


MILES FUNERAL SERVICES
In Pain We Comfort

Miles Funeral Services
Gomotoka Road, Kabuusu Rubaga Division
Tel: +256 701 484 536/ +256 774 655 144/ +256 701 484 350
Email: milesfuneralservices@gmail.com
Website: milesfuneralserv.com
Branches: We have Mbarara and Jinja is also opening soon.

Celebrating The Life Of



# *Kakooza Micheal*

**28th February 1972 - 02nd February 2026**

"Rev 21:4

And God shall wipe away all tears from their eyes; and there shall be no more death, neither sorrow, nor crying, neither shall there be any more pain: for the former things are passed away"

CELEBRATING THE LIFE OF

# KAKOOZA MICHEAL

(1973 – 2026)

**Biography:**

Sun Rise: 28th /02/1973

Sun Set : 02nd /02/2026

**Parents:**

Taata: Paul Gawera

Maama: Samali Nakagulire(RIP)

**Village:**

Katugo

**Education background**

Primary: Katugo Primary School

Secondary: Katikamu SDA

# ORDER OF REQUIEM MASS

## ENTRANCE:

**Hymn** 472. **TITULABANGA** (Fr. Expedito Magembe)

**Ekidd:** Titulabanga wadde okumanya wadde okulegako,
Ku birungi by’ategese -Ddunda
By’ategese olw’abo abamwagala, mikwano gye -Ddunda
By’ategese olw’abo abamwagala, mikwano gye.

1. Tuli balamazi ffe batambuze, ku nsi kuno tuli bayise,
Twesunga ffe tulinda nnyo, okutuuka gye tulibeera,
Bye tuyita ebyaffe bitono nnyo, ebingi biriba eri,
Eby‟eno biyita ne biggwaawo, eby‟eri bye by‟olubeerera.
Obulamu obw‟eno bwa luwunguko, obw‟eri bwe
bw‟olubeerera.

2a. Abaliba balwanye - Abazira ennyo
Abaliba bakuumye - Endagaano
Be balibeera eyo mu ggulu eri ffe gye tulaga abalamazi.
b. Abeevaamu abo - Ne bamusenga
Abeewaayo abo - Ne bamuweereza
Be balibeera eyo mu ggulu eri mu maaso g‟Akaliga.
c. Abaliba bakuumye - Ebiragiro
Ne babonaabona abo- Olw‟erinnya lye
Be balituula abo ku mukono gwe, ku gwa ddyo gw‟Akaliga.

3. Ffenna twesunga - Tulituukayo
Singa tulinyweza - By‟atugamba oli
Singa twekemba - Ne twevaamu
Bwo obulamu era - Tulibufuna eri
Nga walungi nnyo - Gye tulibeera
Nga beesiima - Abamwagala oli
Ku nsi tulidooba - Olw‟erinnya lye
Eri tulisanyuka, talitujuza oli, Katonda, Katonda, Katonda.

**KYIRE:** Mirembe Maria.

## GLORY:

## ESSOMO ERISOOKA (1st READING)

### Yubu 19: 23-27

*Nze mmanyi ng'Omunuzi wange mulamu*

**Bye tusoma mu Kitbabo Kya Yubu.**

23 Singa nno ebigambo byange biwandiikiddwa! Singa
biwandiikiddwa mu kitabo!
24 Singa byoleddwa ku lwazi N'ekkalaamu ey'ekyuma n'ekisasi
okumala emirembe gyonna!
25 Naye mmanyi nga Omununuzi wange aba mulamu, Era ku
nkomerero ng'aliyimirira ku nsi:
26 Era eddiba ly'omubiri gwange bwe lirimala okuzikirizibwa
bwe lityo, Naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda:
27 Gwe ndiraba nze mwene, N'amaaso gange galimutunuulira
so si mulala. Emmeeme yange emaliddwawo munda yange.
28 Bwe munaayogera nti Nga tunaamuyigganya so! Kubanga
ekikolo ky'ekigambo kirabise mu nze;
29 Mutyenga ekitala: Kubanga obusungu buleeta okubonereza
kw'ekitala. Mulyoke mumanye nga waliwo okusala omusango.

**Ebyo Omukama y'abyogera.**

## MEDITATION:

**Hymn** 462: FUBA, FUBA, EGGULU YE

MPEERA

**Ekidd.: Fuba, fuba, eggulu ye mpeera**

**Fuba, fuba, eggulu ye mpeera.**

1. Eggulu ye mpeera
Kigambo kya kitiibwa
Noonya mu ssanyu lyonna
Lino lye lisinga.

2. Eggulu ye mpeera
Mu nnaku zo, omukristu
Toterebuka nywera
Ng‟osuubira eggulu.

3. Eggulu ye mpeera
Emikwano gy‟oku nsi
Gyonna giriba gya ki
Yezu bw‟omufiirwa.

## 2$^{nd}$ Reading Okubikkuulirwa 14:13

*Beesiimye abfu abfiira mu Mukama*

**Bye tusoma mu Kitabo Ky'Okubikkulirwa**

13 Ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu nga lyogera nti Wandiika nti Baweereddwa omukisa abafu abafiira mu Mukama waffe okutanula leero; weewaawo, bw'ayogera Omwoyo, balyoke bawummule mu kutegana kwabwe; kubanga ebikolwa byabwe bigenda nabo.

## OKWANIRIZA EVVANJILI
## Gospel acclamation

**Alleluyah, Alleluyah x3**

## EVANGIRI(the Gospel Reading):Yoanna11:17–27

***Ebigambo by'Evanjiri ye Mukama waffe Yez Kristu Ebivudde mu Yoanna***

17 Awo Yesu bwe yatuuka, n'asanga nga yaakamala ennaku
nnya mu ntaana.
18 Naye Bessaniya yali kumpi ne Yerusaalemi nga sutadyo
kkumi na ttaano;
19 Abayudaaya bangi baali bazze eri Maliza ne Malyamu
okubakubagiza olwa mwannyinaabwe.
20 Awo Maliza bwe yawulira nga Yesu ajja, n'agenda
okumusisinkana: naye Malyamu n'asigala mu nju.
21 Awo Maliza n'agamba Yesu nti Mukama wange, singa wali
wano, mwannyinaze teyandifudde.
22 Era kaakano mmanyi nga byonna by'onoosaba Katonda,
Katonda anaabikuwa.
23 Yesu n'amugamba nti Mwannyoko ajja kuzuukira.
24 Maliza n'amugamba nti Mmanyi nti alizuukirira ku
kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero.
25 Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza
nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu:
26 na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe
n'emirembe. Okkiriza ekyo?"
27 N'amugamba nti, "Weewaawo, Mukama wange: nze
nzikiriza nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda, ajja mu nsi.".

## Hymn 461. EMYOYO GY’ABATWALIBWA (M.H.)

1. Emyoyo gy‟abatwalibwa, 2. Kimu kyokka gisuubira,
Mu Purgatori, Okulaba Yezu,
Ginyolwa nga gisasula N'okwesiima n'okubbira
Ebbanja ery‟ebibi. Mu ssanyu erijjuvu.

3. Ensinda gye gisindamu,
Ku nsi tesangika;
N‟enkaaba gye gikaabamu
Nayo tegambika.

5. Katonda yamba abaana bo,
Ababonaabona;
Era tuma ababaka bo
Babawonye bonna.

**HOMILY:**

**OFFERTORY: Hymn120:** NNEEGOMBA NNYO NZE

Ekidd.: Nneegomba nnyo nze okulaba eyantonda
Omutima gunnuma anti gunnumira oyo!
Ndimulabako ddi nze nno ne mpeera?
Ndabe eyantonda, Katonda wange, mmwagala!

1. Nneegomba Mukama, ennyota emunnumira
Omukama lwe luzzi omwoyo gwange kwe gunywa!
Nsulo y‟enneema, Amaanyi agankuuma!
Bwe bulamu bwange, Omukama eyantonda.

2. Mbeera mu maziga, nkaaba bwe nnoonya;
Abalabe bannyiiza anti banjeeja,
Nti: Aluwa Katonda wo Katonda atakuyamba?
Taata: Yanguwa okunnyamba: ndi bubi!

3. Waliwo ekinkeeta ku mwoyo gwange
Njagala mmutwalire abamwagala Katonda wange;
Nnaayinza ntya nze, oba nga tonnyamba!
Mbeera, ayi Mukama, nkuweereze!
4. Lwaki onakuwala, ggwe, mwoyo, gwange?
Gumira mu Mukama, omwesigenga!
Nsinza Kitange, ntenda eyantonda!
Essanyu linzita, Katonda wange: ndayira!

5. Ekiro n‟emisana, Katonda wange,
Mmubeera ku mutima eyannganza!
Nnaamusanyusanga bwe nti nga nnyimba;
Sijja kukoowa, obulamu bwange! Amazima.

**SANCTUS**: YA KUSOMA

**EXCHANGE OF PEACE:**

**Ffena ng abwe tuli wano**

**LAMB OF GOD:** Mwana Kono

**HOLY COMMUNION**

**Mirembe Omukama!**

Ayi Yezu omwagalwa!
Siyinza kwogera;
Leero nkusinze ntya?
Mujje mwe Bamalayika,
Nammwe bannaggulu
mwenna:
Tusinzize wamu
Nnyini butukuvu.

Ayi Yezu nkwebaza,
Ku lw‟okunkyalira!
Leero nkweyanze ntya
Nga bwe kisaanira?
Essanyu limbugaanye nnyo
Nga nnekkaanya ebitone
byo
Onnyambye weebale
Wamma Ggwe onsaasidde!

Ayi Mmanu entukuvu,
Mugaati gw‟eggulu,
Tuwe obunyiikivu,
N‟ensa mu mirimu;
Ggwe ntanda y‟abatambula,
Ggwe ndasi z‟abazirika,
Ggwe ddaala ettukuvu,
Tulinnyise eggulu!

# POST COMMUNION:

## Hymn 458. BEESIIMYE ABO ABAFIIRA MU MUKAMA

Ekidd.: Ba mukisa abafiira mu Mukama,

Ba mukisa abafiira mu Mukama.

Beesiimye, beesiimye, beesiimye abo:

Nga beesiimye, nga beesiimye, nga beesiimye abafiira mu Mukama.

1. Baali beesigwa ku nsi ne bamuweereza oyo Katonda,

Kati bali wamu n‟Omukama mu kiwummulo eky‟olubeerera.

2. Mwoyo agamba: okuva kati okukola kuwedde,

Mwoyo agamba: okutegana kuwedde.

Ebirungi bibagoberera, bye baakola bye bagenze nabyo.

3. Bawummudde, bawummudde, bawummudde mu Mukama;

Bawummudde mu ddembe.

## LAYING OF WREATH

### Hymn: 474. Twala Byonna Bye Nnina

1. Mu mikono gyo Ayi Mukama, mwe ntadde omwoyo gwange,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2
Ekidd.: Twala byonna bye nnina, twala byonna bye nnina
Twala omutima guugwo, twala, twala, twala Lugaba
Byonna bye nnina.

2. Mu buyinza bwo ayi Mukama, mwe ntadde essuubi lyange,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

3. Mu magezi go ayi Mukama mwe ntadde omwoyo gwange,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

4. Nze mba mugumu ayi Mukama Ggwe bw"oba mu mwoyo gwange,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

5. Mu mikono gyo ayi Mukama mwe nzigya eddembe lyange,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

6. Abakumanyi ayi Mukama mu byonna bakwesiga sso,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

7. Okuzuukira ayi Mukama nze bwe nfa nkulindiridde,
Siibula omuddu wo agende kati,
Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

## OKUFULUMA (EXIT)

## TULIZUUKIRA:

**Ekidd: Tulizuukira, ffenna tulizuukira,**
**Tulizuukira ffe mu kitiibwa kya**
**Yezu**
**Kulw'oluvanyuma,kw'olwo(x2)**

**1 .** Nga Kitaffe bwe yazuukira Omuweerez a we oyo Yezu
Naffe twesiga, era tukakasa, ffenna abamumanyi,
ng'alituzuukira.

**2 .** Ng'omukama bwe yayogera, nga ye w'obuyinza
obungi;Naffe twesiga, era tukakasa, ffenna abamumanyi
Ng'alituzuukiza

**3.** Yezu Mukama yayogera, nti: Omuweereza we ng'afudde
Tafa bumbula, kuba alituzuukira , ng'ensi eno eweddewo
Ku lw'oluvannyuma.

**4.** Yezu Mukama yayogera, nti: Omugaati gw'awa gwa
maanyi Anti gw'ofuna ye Yezu Makama, ajja okuzuuk iza
Bonna abo b'amanyi.

# MESSAGE OF APPRECIATION

The family of the late **Kakooza Micheal** would like to thank all friends and relatives for the expression of sympathy and support during this trying moment In deep gratitude we embrace all of you and may the good Lord reward you abundantly.